



گناہوں کا علاج (Luganda)

# EDDAGALA LY'EBIBI



Shaykh-e-Tariqat Amir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye  
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila

**Muhammad Ilyas**

Attar Qadiri Razavi مکتبہ اسلامیہ  
دہلی



گناہوں کا علاج

Gunahon ka ‘Ilaaj

# EDDAGALA LY’EBIBI

Akatabo kano kawandikibwa Shaykh-e-Tariqat Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat, omutandisi wa Dawat-e-Islami ‘Allāmah Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دامت برکاتہم العالیہ mu lulimu olu Urdu. Majlis y’okuvvunula evvunnude akatabo kano mu lulimi Oluganda. Bw’osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n’ekigendererwa ekyokufuna empeera. [Šawāb].

## Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

**UAN:** ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 7213

**Email:** ✉ translation@dawateislami.net.

## EDDAGALA LY'EBIBI

Enzivunnulwa mu Luganda eya: 'Gunahon ka 'Ilaaj'



### ALL RIGHTS RESERVED

Copyright © 2017 Maktaba-tul-Madinah

No part of this publication may be reproduced, or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.

**1<sup>st</sup> Publication:** Jumadal-Awwal, 1438 AH – (Jan, 2017)

**Publisher:** Maktaba-tul-Madinah

**Quantity:** -

**ISBN:** -

### Sponsorship

Feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

### Maktaba-tul-Madinah

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✉ **Email:** maktabaglobal@dawateislami.net - maktaba@dawateislami.net

☎ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999

🌐 **Web:** [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net)

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
 أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye:

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَأَنْشُرْ  
 عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

### Okuvvunula:

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

(Al-Mustatraf, vol. 1, pp. 40)

**N.B:** Saalira Nabbi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

# Table of Contents

E Duwa Y’okusoma Ekitabo .....	iii
Transliteration Chart .....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>

## **OBUBUYABUYA ..... 1**

Obulungi bwa Şalât-‘Alan-Nabī.....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Ettaffaali lya zaabu (golodi).....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Ebireeta obubuyabuya.....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Ebiwobe by’abafu ebitagasa Futile Pleas of the Dead .....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Ekisobyo eky’ewunyisa .....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Okuyingira geyena (omuliro) mu maziga .....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Watya omuntu afiirwa Omukkiriza [Imān]?..	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Ababaka basatu ab’okufa .....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Obulwadde nabo bubaka bwa kufa ..	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Erinnya liwamdiikibwa ku mulyango gwa geyena (omuliro)..	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Amaaso agajjubizwa omuliro.....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Emisumaali gikomorerwa mu maaso n’amatu	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Okufaanana/okugeegeenya ffeesi y’abasiinza omuliro.....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
Ani gwolina okwebikiririra?.....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>

أَلْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
 أَمَا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## EDDAGALA LY'EBIBI

*Yadde sitaani agezaako nga kwasobola okukulemesa okusoma ekiwandiiiko kino ng'akunafuya, kisome okuva ku ntadikwa okutuka ku nkomerero, ogya kuwulira enkyukakyuka y'emadani mu ggwe.*

### Obubonero bw'essanyu

Sayyiduna Sahl Bin S'ad رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ alombogya nti olunaku olumu omutukuvvu nabbi yafulumu (okuva mu maka ge amatukuvvu) Abu Taihah رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ nasembera mu masso n'agamba nti: 'Yā Rasūl-Allāh صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ (mange ne kitange ka basadakibwe kuu lulwo! Obubonero bw'essanyu bulabikira ku bwenyibw'obutukuvu leero'. Naggamba nti ('ddala! Jibrail (yakagya gyendi nagamba: 'Ya Muhammad صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ Buli anasoma Durud eri gy'oli, Allah عَزَّوَجَلَّ agya kumu wandiikira ebirungi kkumi, amusonyiwe ebibi by'ekkumi era amulinyise emitendera kkumi.'

(Al-Qaul-ul-Badī' P107, Dārul-Kutub-ul-'Ilmiyyah Beirut)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

### Entegeka entukuvvu

Bassilamu banange ab'oluganda, ekissa ky'Allah عَزَّوَجَلَّ nga kinene ;buli anasoma Durud eli nabbi omutukuvvu, Allah عَزَّوَجَلَّ awandiika

sawab ey'ebirungi ekkumi mu 'kitabo ky'ebikolwa' agyawo ebibi by'ekkumi era nalinyisibwa emitendera kkumi. Eky'omukisa omubi, ennaku zino,abantu bamala ebisera bingi nga bogera ebitagasa! Singa tukifula muzze okusoma Durud okusinga okwogera ebitagasa.

### Mukole ebibi naye....

Olumu omusajja yagya eri Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ namuggamba nti: 'Nkola ebibi bingi, bambi mbulira ekiwonya ebibi.' N'olwe ensonga eyo, okumugamba eddagala erisooka ery'ebibi, Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ (yagamba nti, 'bw'oba olina ekigendererwa ekigumu eky'okukola ekibi, lekera awo okulya obugabirizi bw 'Allah عَزَّوَجَلَّ.

'Ng'amazze okwewunya ebyo ebimugambiddwa, omusajja nagamba nti: 'Magezi kikaki ago gompa! Kisoboka kitya! Allah عَزَّوَجَلَّ yekka yawa obugabirizi? Nassobola ntya okulya ekintu ekirala kyonna? Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ namwanukula nti: 'olaba, nga bwekiri ekibi okugyemera oyo obugabilizi bwe bwolya.' Era ng'amuwa amagezi ag'okubiri, Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba nti: 'bw'oba olina ekigendererwa eky'okukola ebibi, vva mu nsi ya Allah عَزَّوَجَلَّ.' omusajja yewunya nti, 'Kino kisoboka kitya?' 'Mu mambuka, maserengeta, ebuvanjuba, ebugwanjuba, ku kkono, ku ddyo, wagulu, wansi, buli gyenagenda nja kusanga ensi Ya Allah عَزَّوَجَلَّ. Tekisoboka kuva mu bbwakabakabwe.'

Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ namwanukula nti: 'olaba, nga bwekiri ekibi okugyemera oyo kuttaka lye kw'obera.' Era ng'amuwa amagezi ag'okusattu, Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba nti bw'oba nga olina ekigendererwa okukola ekibi, wekweke mu kifo Allah عَزَّوَجَلَّ mwatasobola kulabira awo ekibi

okikolere eyo. Omusajja na yogera mukwewunya nti.” kisoboka kitya omuntu okwekweka okuva ku Allah عَزَّوَجَلَّ? Allah عَزَّوَجَلَّ amanyi n'embeera y'emitima gyaffe! Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ nadamu nti 'olaba nga bwekiri ekibi ggwe okujemera Allah عَزَّوَجَلَّ yade nti okiriza nti Sami (oyo awulira byonna) ne basir (oyo alaba byonna); ogamba nti mubutuffu akulaba obudde bwona, yadde n'olwo osigala okola ebibi! Awo ngawa amagezi agokuna, Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba nti: 'Malayika w'okufa, Sayyiduna Izrail عَلَيْهِ السَّلَام (bwagya okuwamba omwoyo gwo, mugambe nti akuwe omukisa osobole okwenenya ebibi byo.' Omusajja nagamba nti sirina buyinza obwo; tewali aggya kumpuliriza? Ekisera ky'okufa kigere era sigya kufuna na katikitiki kakakisa.'

Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ nagamba nti: 'bw'oba okimanyi nti tolina manyi era nti togya kufuna mukisa kwenenya, Lwaki obudde bw'olina kati tobutwala nga eky'omuwendo era ne wenenya nga Sayyiduna Izrail عَلَيْهِ السَّلَام tanagya (?Awo nga awa amagezi ag'okutano,

Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba nti: 'Nga omazze okufa, Munkar ne nakir bwe bayingira entaana yo, bagobe mu ntaana yo.' Omusajja namwanukula nti, 'Biki by'oyogera? Nsobola ntya okubagoba bade ebweru? Maanyi ki genina?' Nabbi (nagamba nti: 'Bw'oba tosobola kifulumya bamalayika lwaki tewetegeka kwanukula bibuuzo byabwe?' Awo nga awa amagezi ag'omukaga, Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ nagamba nti: 'singa olagirwa okugenda mu geyena ku lunaku lw'okulamulwa, gaana okugenda.' Omusajja nagamba nti, 'nja kusikibwa era nsulibwe mu muliro!'

Sayyidun Ibrahim Bin Adham (nagamba nti: "Bw'oba embeera yo tekukiriza kweresa kulya bugabirizi bwa Allah عَزَّوَجَلَّ, nga tosobola



kuva na munsu eno, tosobola na kumwekweka, nga tosobola kufunayo kakis'aka kwenenya, nga tosobola na kugoba munkar ne Nakir okuva mu ntaana yo era nga tosobola kwetasa kubone rezebwa kwa geyena, awo no lekayo ebibi byo wetangire ebizibu bino byona.'

Amaddagala omukaga a g'ebibi mungeri eyamagezi agatuwebwa Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ (Gaaletela enkyukakyuka ennungi mubulamu bw'omusajja nakaba nnyo,neyenenya ebibi bye byonna era nakumira kukwenenya okutusa okufa kwe. *(Tazkirah-tul-Auliya, P100, Intisharāt-e-Ganjīnah Tehran)*)

## Tolya Bugabirizi bwa Allah

Basilaamu banange aboluganda! Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yanyonyola eddagala ly'ebibi mu ngeri ennambulukufu okutusa omusajja okwenenya ebibi byonna. Eddagala ly'ebibi erya tesebbwa Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yali nti yasaba omusajja obutalya bugabirizi bwa Allah singa aba akola ebibi era omusajja nadamu nti kyali tekisoboka gyalu anti Allah yemugabirizi wa buli Kintu.

Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yadamu nti. 'Nga kibi okujemera oyo obugabirizi bwe bwolya! Katutwale eky'okulabirako okwongera okutegera ensonga eno. Bwetuwa omuntu ekintu yadde Allah عَزَّوَجَلَّ ye mugabirizi omuttuffu ow'ekyo ekintu, tugezako okumu funako ebisinga ebyo bye twamuwa. Okugeza singa omukozi agya kikerezi, omukozesa amukayukira ng'agamba nti 'Lwaki ozze kikerezi nnyo? Ofuna omusaala gwa yurozi bisaatu (E300), kati ziri ssawa nnya ez'okumkya, wandibadde wano ku ssawa bbiri ez'oku makya! Bw'onodamu okujja ekikerezi, omusaala gwo guggya kusalibwako. Oluusi, abakozi bavumibwa oba bw'aba omunafu olumu bakubwa n'empu.

Akakibwa okukola okutuka essawa z'ekiro ne ku nnaku ez'oku wumula. Mu bumpimpi, singa omuntu awa omuntu yena omulimu era ng'amusasula omusala, omukozi amukozeseza buli kassente kona. N'olwekyo kiba kyabutesimbu omuntu okulya obugabirizi bwa Allah ﷻ n'otagoberera biragiyo bye. Allah ﷻ yatulagira okusaala eswala ttano buli lunaku n'okusiba mu mwezi gwa Ramadhan, naye abantu banafu mu kutukuriza omulimu gguno. Allah atuwadde eby'obugagga era natulagira okusasula ebitundu bbibiri n'ekitundu kubuli kikumi nga Zakah, mu mbeera ezimu, naye Zakah entuufu era enzijuvu tesasulwa. Allah ﷻ atuwadde ettaka egimu amalimiro n'emisirigye'ebibala era natulagira okusasula 'Ushr, naye tetusasula. Yatulagira okwewala ebikolwa ebikyamu naye abantu abasinga obungi betaba mu kumugyemera.

Kiba kya buswavu okusigala nga ogyemera Allah ﷻ n'osigala nga olya obugabirizi bwe!

### Vva mu nsi ya Allah

Basilaamu banange aboluganda, Eddagala ery'okubiri ery'ebibi eryatesebwa Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ liri nti singa omuntu ayagala okukola ekibi, asooke ave mu nsi ya Allah ﷻ. Ekitufu kiri nti, kino tekisoboka! Singa tuba bagenyi mu nju y'omuntu omu, tulina okwewala ekikolwa kyonna ekiyinda okwonona ebintu. Singa tuleeta okufirizibwa ememe yaffe egya kutulumiriza. Kati lowooza n'obwegendereza nti tubera mu bwakabaka bwa Allah ﷻ naye tusigala tumugyemera! Endowooza eno nga si yabuligyo era yabutaloozo!

### Okwekweka okuva ku Allah

Basilaamu banange aboluganda, eddagala ery'okusatu eryatesebwa Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ liri nti, bwoba tonakola

bibu, omuntu alina okwekweka mu kifo Allah ﷻ mwatasobola kumulaba? Kilabikilawo ng'ekitangala ky'emisana nti tewali kifo kikwekweddwa okuva ku Allah ﷻ ne bwekaba kasera busera.

Yadde ekyo, mukiseera eky'okukola ebibi, tumanye nti Allah ﷻ atulaba!

### Allah alaba!

Mu Bagdad, omusajja ow'ettima yakwata omukazi nagyayo akambe nakamusongamu. Abantu bali balaba bino byona nga bigenda mumaaso okuva kumabali naye tewali yagezako kuyamba mukazi kumutaguluza ku musajja ow'etima oyo. mu kasera ako omutu kirivu yaggya awo, nakuba omusajja akama nagenda. Omusajja yakankana natya era nazirika. Akambe nekava mu ngalo ze nekagwa era omukazi naduka. Bweyadda engulu n'abuuzza nti: 'Abadde mutukirivu ki oyo?' Omuntu omu namugamba nti: 'Yali mutukirivu omututumufu mu bisera bye, Sayyiduna Bishr Hafi.

Omusajja yagamba nti omutukirivu yamugamba nti 'Allah ﷻ alaba ekikolwa kyo kino.' Ng' amaze okuwuliriza bino, omusajja yagenda mumaaso nga gamba nti, Nakankana ku lw'okutya Allah, Ngamaze okuyingibwa obuzito olw'omusango ogunsinze muvu bwe mbadde nkola ekikolwa eky'obuswavu ng'ogyeko okuba nti Allah abadde andaba, nazirise.

Ng 'amaze okwogera ebyo, omusajja yatandise okukaba ennyo. Ngekidabde wo kimaze okumutisa, yafuna omusajja era nafa mu banga lya ssabiti emu. (*Rawd-ur-Riyahin, P171, Mutba h –tul-Mainanih Egypt*)

### Ani ayinza okudamu ebibuuzo ku lunaku lw'okulamula?

Basilaamu banange aboluganda! Ddala, ng'oli akola ebibi, bwamanya nti omutonzi amulaba, asobola okwetangira ekibi. Omuntu bw'aba

alimba alina okumanya amazima nti yadde alimba omuntu omulala era omuntu oyo gw'alimba amulaba nga ow'amazima Allah bino byonna abiraba. Okufanagana n'ebyo, mu budde bw'okuvuma omuntu, avuma alina okujjukira nti Allah عَزَّوَجَلَّ ali Sami era Basir alaba era amuwulira. Okufanagana n'ebyo, okukozesa obubi amaaso, omuntu ayinza okulowooza nti yadde nti oyo gwalaba mu bumenyi bw'amateeka takimanyi, Allah عَزَّوَجَلَّ tamulaba ky'oka wabula amanyi n'ebigendererwa bye.

Abantu abamu batunulira Amrad (omulenzi omuto eyegombesa) n'obukaba ne bagyuza amaaso gabwe n'ebiri Haramu; Aba Amrad n'abalala bayinza obutakiraba, naye batwala oyo akozesa obubi amaaso ge okuba omuntu omukuusa naye omuntu nga oyo talina kwerabira nti amutonzi w'ensi amanyi n'embeera y'emitima gyaffe. Abo abalaba Amrad mu bumenyi bw'amateeka, bakola omubiri gwabwe okukwatagana n'ogwa Amrad, baggya essanyu mu kamwen yumwenyu ke, bogera naye mu ngeri ey'ekikaba, batula naye ku ppikipiki, buli omu alina okwewala ebikolwa bino; singa abantu bamanya nga bwekiri eky'obuswavu okukola ebikolwa bino yade nga bamanyi nti Allah abalaba! Bwe baba basabiddwa okudamu ebibuuzo ku nsonga zino ku lunaku olw'okulamulwa, kya kudamu kya kika ki abantu bano kye banawa! Banasobola batya okusi matuka obusungu bwa Allah.

### Ebinava mu ndowooza

Basilaamu banange aboluganda! abantu abamu bewala okukola ebibi olw'okutya abalala. Okugeza, abazadde b'omuntu oba abasomesa be bwe babawo, omuntu oyo tayinza kuvuma bantu olw'okutya bazadde n'abasomesa be, naye tatya Allah.

Nebwaba omuntu ow'ekitibwa wali, abantu bamutya nnyo batuka n'obutakangula maloboozi gabwe nga wali, bogera naye n'obu

wombefu n'obukakamu. N'eby byonna tunaba nokutya kw' Allah okw'omugundu.

Mu mitima gyaffe nga bwe tukyawa okukola ebibi mu maaso g'abantu, tulina okuba n'endowaza nti Allah atulaba. Singa ekilowoozo ky'Allah okutulaba kisimba emirandira mu mitima n'endowooza zaffe, tugya kuwangula okwewonya ekibi.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

### Ssaba omukisa gwa katonda egw'okwenenya

Ng'anyonyola eddagala ery'okuna, Sayyidun Ibrahim Bin Adham رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ (yagamba nti: 'Ggwe omwononyi! Malayika w'okufa, Sayyiduna Izrail عَلَيْهِ السَّلَام (bwagya okuwamba omwoyo gwo, mugambe nti akuwe omukisa osobole okwenenya ebibi byo.' Kilabikila ddala nti tajja ku kuwa mukisa, kati lwaki tewetonda kati? Lwaki okola ebibi buli kadde! Kulwa Allah عَزَّوَجَلَّ goba sitaani,oba si ekyo agya kukutwala mu kuzikirira.

*Kiwandikidwa mu kuruhani, (Parah 28, Surah Hashr, verse 16)*

كَمَثَلِ الشَّيْطَانِ إِذْ قَالَ لِلْإِنْسَانِ اكْفُرْ فَلَمَّا كَفَرَ قَالَ إِنِّي بَرِيءٌ مِّنْكَ

إِنِّي أَخَافُ اللَّهَ رَبَّ الْعَالَمِينَ ﴿١٦﴾

TEKAMU EKIWANDIKO KY'OLUWALABU.....

Okuvunulwa okuva mu Kanz-ul-Iman

Nga sitaani bwe ya gamba omusajja obutakiriza era awo bwatakiriza, (sitaani) yagamba nti, 'Nkulekulidde, nze ntya Allah omutonzi w'ensi zoonza.'

## Okwenenya kwe kitegeza

Basilaamu banange aboluganda! Sitaani mugezigezi! Aletera omuntu okukola eby'eki Kufu (okuvuma katonda) era navamu katonda. Engeri sitaani gy'atawebwe mukisa gwa kwenenya, tayagala muntu mulala yenna kwenenya okusobola okuwona akatego ke akekibi. Nolw'ekyo, wenenye mangu ddala.! Wulira okwenenya kye kitegeza, ennaku zino okwenenya okutalikwabuligyo kulabiddwa. Abantu abamu balabibwa nga bagamba, 'Nenenya, nenenya' nga bwabekuba obuyi obutonotono ku matama n'akamwenyumwenyu oba n'obusekoseko, tsubire nti benenyeza. Sikitufu. Hadisi egamba. '**tekamu ekiwandiko ky'oluwalabu**' (Okwemenya mu mutima kwe kwenenya) (*Sunan Ibn -e-Majah Hadis̄ 4252, V4 P492, Dār-ul-Ma'rifaḥ Beirut*)

## Engeri y'okwenenya

Basilaamu banange aboluganda! Bw'oba okola ebibi omuntu alina okukyawa ekibi ekiri mu mutima gwe. Era aba alina okuba n'ekigen dererwa ekyamanyi obutadamu kukola kibi. Mu mbeera y'okwenenya n'okukyawa ekibi mu mutima, n'ekigendererwa eky'amanyi okwewala ekibi mu gyebuja mu maaso, alina okweyamba kkoti ya Allah nagamba nti, ne nanya olw'ekibi eky'okukozesa obubi amaaso gange, okugeza, ekyo kyenkoze era nsubiza obutadamu kukola kibi kino nate.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Empagi esaatu ez'okwenenya

Ḥaḍrat 'Allāmah Sayyid Muḥammad Na'im-ud-Dīn Murādābādī رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ agamba nti, 'waliyo empagi esaatu ez'okwenenya:

1. Okukiriza ekibi.

2. Okuwulira obuswavu.
3. Obumalirivu obw'okuleka ekibi, Bw'ekiba ekibi kisobola okuliyirwa kya tteeka okukiliyirira. Okugeza, kyetagisa ku lw'okumaliriza okwenenya kw'oyo alesewo Salah ozizaawo nga Quda.' (*Khazāin-ul-'Irfān*, P12 Bombay)

### Erinya eriri ku lugi lwa geyena

Basilaamu banange aboluganda! abo abatasaala swala, museyo omwoyo n'obwegendereza. Eswala gy'otasadde tesonyiyibwa kwenenya bwenenya kwoka. Tekikyusibwa bukyusibwa na kusala swala gyota sadde nga Quda era okwenenya kulina okukolebwa olw'oku lwawo. Abantu abamu basubwa eswala ya Fajr era ne kirabika nga, (Allah kye yagana), kye batatwala nga kyetekwa yade. Tebawulira kwem enya yadde. Singa omuntu agezako okukakasa omuntu ng'oyo okusala eswala ya Fajr ne Jamā'at, ayanukula na kamwenyumwenyu ku matama nti, 'sisobola kuzukuka' Ku luyi olulala, omuntu y'omu oyo bwaba wa kugenda mu nsi y'ebweru okukola obusubuuuzi era nga ennyonyi esitula ku ssawa kkumi n'emu ez'okumakya, ayinza n'okutuka ku kisaawe ky'enyonyi ku saawa munana ez'ekiro. Okufana gana n'ekyo, bw'aba alina okugenda ku kabaga n'eggaali y'omuka, ayinza okutuuka eggaali y'omuka wesimba essaawa emu nga tenatuka. Webuuze engeri obudde gyebufuse ob'omugaso! Omuntu kwasabibwa okusala eswala, abibuusa amaaso ng'agamba nti 'tasobola kuzukuka,' naye bwekituuka ku kutambula ku lw'omulamwa gw'ensi azukuka ewatali buzibu oba teyebaka na kwebaka.

Yaye! Engeri abantu gye bagezako okwewala okutendereza nebekwasa ebintu ebitalina makulu ennaku zino!

### Ekintu ekyabawo

Omuntu omukuusa agamba bwati nti, 'Olumu nalaba sitaani nangamba nti 'waliwo obudde lwe nayigirizanga abantu naye kati abantu bangigiriza.' (*Talbīs-e-Iblīs, P39, Dar-ul-Kitāb-ul-'Arabī Beirut*)

Okwejusa emirundi bukadde! Obudde bwe Jamā'at ye swala ya Fajr buli kkumi n'emu n'edakiika kumi nattano ezo kumakya (11:15), abantu si betefutefu okuzukuka ku ssawa 11 okutuka ku muzikiti mu budde. N'abo abasala eswala endala ennya buli lunakuabela bagayavu okusala eswala ya Fajir. Hadisi egamba nti: Buli analekayo okusala swala nga ye yagalide erinya lye ligya ku wandikibwa ku liggi lw'ageyena mwanayingira.' (*Hilya-tul-Auliya, Hadīṣ 10590, V8, P299, Dār-ul-Kutub-ul-'Ilmiyyah Beirut*)

Ebyo ngabikyali awo, Allah yagana, singa omuntu asubwa okusala eswala yonna, alina okugwayo nga Qada era alina okwenenya mubuntu olw'okulwawo.

### Okwenenya olw'okulwawo

Basilaamu banange aboluganda! Mugezeko okutegera ensonga ya Qadā Ṣalāh nga mukozesa eky'okulabirako kuno.

Tugeze singa wewola ssente okuva ku Zaid era n'omusibiza okuziza akawungeezi akadako, naye nolwawo okumusasula okumala enaku bbiri.

Kirabwa nayonka nti, Zaid agyakukunyi Igira olw'obutakuuma kisubiizo kyo gatako n'okumukoya .

(Eky'enaku, ennaku zino abewola bangi balwawo okusasula)

Kati, olina okusasula ebanja mu bwangu era wetondere ne Zaid olw'okulwawo okusasula. Olina okugezako kumusasula mu ngeri yonna.



## Sasuula ebanja ne bwekiba kyetagisa kutunda by'olina

Basilaamu banange aboluganda! bw'oba wewoze ssente ku muntu yenna era nga kati tolina wo ssente zonna kusasula banja, naye ng'olina ebintu by'omunju, ebibajje n'ebirala, olina okusasula ebanja lyo ne bwekiba kyetagisa kutunda bintu bya mu nju. Singa tosasula banja oba okusabayo okaseera okuva eri eyakuwola, buli kadde akanayitawo ogya kuba mu bibi.

## Akabi k'okulwawo okusasula ebanja

Hujja-tul-Islām Sayyidunā Imām Muḥammad Ghazālī رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ egamba nti, 'Ngogyeko okuba nti osobola okusasula, abanjibwa bwalwawo okusasula nebweba ssawa emu nga tafunye lukusa lwa yamuwola; agyakuba mwononyi era omunyigiriza. Ne bwaba abadde mu mbeera yakusiiba, ng'asaala oba nga yebase, ebibi bye bigya kusigala nga biwandikibwa mu kitabo ky'ebikolwa bye. Agya kusigala nga Ali wala okuva ku kisa kya Allah.

Obusobozi bw'okusasula ebbanja tekisinzira ku kubawo kwa ssente. Wabula, singa abangibwa asobola okusasula ebbanja ng'atunze ekintu kyalina, naye natakikola, agya kusigala nga mwononyi. Abangibwa tayinza kwegyako kibi okugyaako ng'amatiza gweye wolako kubanga kili kyamutawana naye abantu bakitwala nga eky'okuzanya,' (*Kīmīyā-eSa'ādat, VI, P336, Intishārāt-e-Ganjīnāh Tehran*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Obutalimu bw'ensimbi esaatu

Basilaamu banange aboluganda! Ennaku zino tewali asaayo mwoyo ku nsonga eno. Abantu abasinga tebasasula mabanja yadde nga basobola okusasula.

Abasubuzi, kin'omu, balwawo okusasula amabanja gabwe; abababanja basigala babakubira amassimu n'okubalambula ku madduka gabwe, naye amabanja ne gatasasulwa. Abasubuzi abamu bekwasa ebitalimu abalala ne batiisatiisa be babanja nga bwebati nti, 'sijja kusasula banja, lyesasule, bw'oba osobola'. Jjukira nti! A'lā Ḥaḍrat Imām-eAḥl-e-Sunnāḥ, Mujaddid owa Ummaḥ, omununuzi w'eSunnāḥ,

Eyasanyawo Bid'aḥ, Omusomi wa Sharī'aḥ, Omulungamyā wa Tariqah,

Ensibuko y'omukisa, 'Allāmaḥ Moulānā, Al-Ḥāj, Al-Ḥāfiẓ, AlQārī, Ash Shāḥ Imām Aḥmad Razā Khan رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ agamba nti:

'Omwewozi alemererwa okusasula ssente esaatu ze yewoze ku muntu omu mu nsi, alina okusaaala eswala 700 wamu ne Jamā't ng'ekiwebwayo kulwa ssente ziri esaatu ku lunaku lw'okulamulwa.'

Singa ebirungi bye biba biwedewo, ebibi by'amubanja bigya kumwongerwako era alisulibwa mu muliro gwa geyena. Kino kyabwenkanya, era Allah tasonyiwa bitufu by'abalala okugyako nga oyo gwe bononede ebitufu bye abasonyiye.

Abangibwa alina okwesasira era ne yegyako omugugu gw'ebanja. Talina kutwala kufa kwe nga okumuli ewala. Aba tagya kusobola kugumira bulumi bwa muliro.' (*Fatāwā-e-Razaviyyah, V25, P69, Razā Foundation Lahore*)

Singa kiba kya butalimu olw'ensimbi esaatu, embeera enebera etya eri abo abewola obukadde ne batasasula.

Wabula, swala za kibina ky'abakiriza zokka zezirina okusalibwa, tetumanyi oba eswala zaffe zikiriziddwa oba ziganiddwa.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Sawab y'obuyambi eyabuli lunaku

Basilaamu banange aboluganda! Mbasaba museyo omwoyo ku kino singa omuntu aba yakwewolako ssende, natakusasula mu budde bwemwalagana ko, togwamu manyi. Ogya kufuna sawab ya buli lunaku olw'okuwayo ssende ezo ng'obuyambi.

Okugeza nga 7 March, wawola omuntu rupiya 1000 nakusubiza okuziza nga 12 March naye nakudiza ssende nga 28 March nga takusabye kakisa, n'okulwawo kwa nnaku 16, kati onofuna Sawab olwokusasanya rupiya 16000 ng'obuyambi.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Olugero lwa A'lā-Haḍrat

Olunaku olumu, omuntu omu yabuuza A'lā-Haḍrat nti, 'Ow'ekitiibwa! Nawola ebanja omuntu omu naye tanansasula'. A'lā-Haḍrat nagamba nti: 'Mu mulembe guno, kizibu okusasulwa ebanja ly'obanja omuntu ,abantu mbabanja rupees 1500! Bwenali mbawa ebanja, nasalawo nti bwebanaba bansasudde kigya kuba kirungi, naye, sijja kubasaba kuza ssende. Okutusa kati ,tewali yaziza yadde n'ekikumi. Sisonyiwa banja nga eryo. Y'ensonga lwaki Hadisi egamba nti; singa omuntu awola omuntu ssende olunaku lwe yasubiza okuza ssende neluyitako, afuna Sawab eya buli lunaku olw'okuwayo ssende ng'obuyambi.'

*(Majma'uz Zawāid, Ḥadīṣ 6676, V4, P242, Dar-ul-Fikr Beirut)*

Y'ensonga lwaki ssende naziwayonga ebanja si nga kirabo. Wabula, nandibadde nsobola ntya okuwayo rupees 1500 buli lunaku?"

*(Malfūz, Part 1, P40, Hāmid & Co. Lahore)*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okulwawo okwenenya kwaki?

Basilaamu banange aboluganda! ngatumaze okwogera ku bimu ku byetagisa okukola ku banja. Katudde ku nsonga enkulu 'ey'eddagala ly'ebibi'.

N'olwekyo, Sayyidunā Ibrāhīm bin Adhām رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba omuntu eyali amubuuza ku ddagala ly'ebibi nti alina okusaba malayika y'okufa Sayyidunā 'Izrāīl عَلَيْهِ السَّلَام (akakisa k'okwenenya bwaba azze okutwala omwoyo ggwe.

Omusajja namwanukula nti malayika tagya kumuwa mukisa.Era yagambibwa, 'Engeri gy'omanyi nti togya kuwebwa mukisa kwenenya, lwaki oludewo okwenenya? Saba ekisonyiwo mangu ddala!

obudde bwafe nga butuuse tetugya kuwebwa mukisa yadde ogwaka seera! Allah agamba mu Quran entukuvu Pārah 28, Surah Munāfiqūn, Olunyiriri lwo 9 ne 10:

TEKAMU OLUUWALABU.....

Okuvunulwa kwa Kanz-ul-Imān

Abakiiriza! Temuleka byabugagga na baana bamwe kuberabiza Allah, era buli anakikola agya kuba mu kufirizibwa okwamanyi. Era mukozese kubimu byetubawade mu kubo lyaffe ng'okufa tekunajja omu kumwe era awo ne mugamba nti. 'Ssebo omutonzi wange! Lwaki tewampa kadde kakuwumula ng'ogyeko obudde obutono, nsobole okuwa obuyambi eri abali obubi mbere omu ku batukirivu.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

**Teli mukisa gugya kuwebwa**

Basilaamu banange aboluganda! Ku njegoyego z'okufa, omukisa gusabibwa okusasanya ensimbi mu ngeri ya Allah era babera mu b'enkwe. Jjukira! Okwejusa ng'omaze okufa tekurina mugaso! Mu bigambo ebirala, okwejjusa oluvanyuma lw'okufa okugeza singa nafunayo omukisa nanditandise okusala eswala. Sakitegererawo nti okufa kugyakugya mu ngeri ya kibwatukira. Samanya nti nyinza okufuna akabenje ddekabusa nekatwala obulamu bwange. Nali nina endowoza y'okusubira nti nali muvuzi wa mmotokka mukugu naye nali simanyi nti ebiziyiza bigya kulemererwa oba ekim motokka ekyali kiduka emisinde kyandi ntomedde. Salowoza nti ndifuna omusujja gw'amulalama (omusujja ogwamanyi) ekyan detera okufa. Singa namanya nti nja kufa ku myaka egy'buto nga sinawasa era nga sinatuuka kumyaka egy'obukadde, siyinja kusayo mwoyo ku kusogyebwa kw'abantu. Okwongereza ku Farāid, nja kukuza ekilevu n'enviri zange okusinzira ku Sunnah nyambare n'entalabuusi. Nja kujjuza kaddi ya Madanī In'āmāt buli lunaku era, ng'ogyeko okubera n'byokukola ebingi okuva mu nsi eno. Nja kutambula ne Madanī Qāfilāh okumala enaku saatu buli mwezi.

### Ani anakola Hijja

Eeh! Wabadewo olutimbe lw'obutafayo ku maaso gange. Buli omuntu bwe yangamba okukuza ekilevu kyange ne buzabuzanga nga ngamba nti, 'singa Allah ampa omukisa okugenda okukola Hijja, nja kuva e Makkaḥ ne Madīnaḥ nga nkuziza ekilevu. Nali simanyi nti nali sategekerwa kukola Hijja, era laba Madīnaḥ era nti njakufa nga sinagenda ku Hijja.

Basilaamu banange ab'oluganda! Mujikire! Aboboka emyoyo gyabwe egyagamba nti, 'LABBAIK ALLAHUMA LABBAIK' ku kuyita kwa Sayyidunā Ibrāhīm gigya kufuna omukisa gwa emirundi mingi okukola Hijja wabula egyo emyoyo egitayatula ,

“LABBAIK ALLAHUMA LABBAIK” tegirisobola kukola Hijja. N’olwekyo kiwandikidwa mu Durr-e-Manşūr nti Sayyidunā Ibrāhīm **عَلَىٰ تَيْبَتَا وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ** bwe yazimba Kabba entukuvu, Allah **عَلَىٰ تَيْبَتَا وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ** yalagira nti, “O, Ibrayimu **عَلَىٰ تَيْبَتَا وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ**! Yambuka ku lusozi era oyite abantu bagye bakole Hijja. Sayyidunā ibrāhīm nagamba n’obuwombeffu nti, ‘Yā Allāh **عَلَىٰ تَيْبَتَا وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ**, eddoboosi lyange linabatukako litya?’ Allāh nagamba nti: ‘Ogya kuyita ,eddoboosi lyo olituuse mu manyi gaffe agenjawulo.’ Sayyidunā Ibrāhīm **عَلَىٰ تَيْبَتَا وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ** bwe yayita abantu okukola Hija buli muntu eyatonderwa okukola Hija, omwoyo gwe gwa gamba nti ‘LABBAIK ALLAHUMA LABBAIK’”(Durr-e- Manşūr, V2, P32, Dar-ulFikr Beirut)

Basilaamu banange ab’oluganda! Teli amanyi nti oba yatonderwa okukola Hija oba nedda. Yade omuntu alina omukisa okukola Hijja n’okukuuma ekirevu ng’amaliriza, ekibi ky’okusalako ekilevu ebanga ly’anamala ng’amaze okukola ekibi kino ngalindirira okukola Hija ekibi kino kigya kuwandikibwa mu kitabo ky’ebikolwa bye. N’olwekyo, lwaki ekikolwa ekya Haram eky’okusalako ekirevu kikolebwa okumala ebanga eddene. Basilaamu banange ab’oluganda! Mukirize amagezi gange muleme kulinda Hija. Mugondere ekiragiro kya Allāh **عَلَىٰ تَيْبَتَا وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ** n’omwagalwa we Rasul.

Abagalwa ba Allāh **عَلَىٰ تَيْبَتَا وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ** abagamba nti: ‘Musale amasulubu gabe mampi era muleke ekirevu kikule. Temukoppa nkola y’Abayudaaya.’ (Sharḥ Ma’ānī – al-Aṣār, Ḥadīṣ 6424, V2, P28, Dār-ul-Kutub-ul-‘Ilmiyyah Beirut) N’olwekyo mubere n’ekigendererwa ekyamanyi eky’okukuza ekirevu ekinene ng’ekikonde kati.’

Mujukire nti! okumwa n’okuyimpaya ekirevu okubera ekimpi obutenkana kikonde byonna bikolwa bya Haram.N’olwekyo ,mukuze ekirevu ekyenkana ekikonde ku kalevu.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَىٰ عَلَى مُحَمَّدٍ

Nja kutandika okusala eswala okuva ku Jum'u'ah (Ku lw'okutaano)

Basilaamu banange ab'oluganda! Emirundi egimu ,omuntu bw'asabibwa okutandika okusaala eswala ,adamu ng'agamba nti nja kutandiika okusaala ku lw'okutaano. Emirundi egimu agamba nti Ramathan anatera okutuuka nti era agya kusaala swala ng'atandiise okusiiba.Mujukire nti!

Kino kyekimu ku numba ez'omutawana eza sitaani afuula abantu okuba n'esuubi eringi.Ddala ng'omaze okukwatibwa akakodyo ka sitaani kano, abantu bangi berebira nti bayinza okufa nga Ramadani oba olw'okutaano terunatuuka. Mundeke mbabulire nga nkozesa ekyabawo kino ekituufu.

### Okufa nga olw'okutaano terunatuuka

Abasilaamu ab'oluganda abamu okuva mu New Karachi bambikira ku lw'okusaatu ku kufa kwa okw'ekibwatukiira okwabawo mu kitundu kyabwe.Engoye za mwanynaze omusilaamu omu zakute omuliro ,ekyavudemu okufa kwe era omutunzi w'emmere yafudde ekilwadde ky'omutima.Nze(omuwandiisi) nasaala eswala y'amaziika gabwe. Omusilaamu ow'oluganda yanhambye nti abamu ku basilaamu ab'oluganda abe Da'wat-e-Islami bagezako okumatizza omutunzi w'emmere okufuba okusaala eswala ng'omuntu,era yali asuubiza okutandika okusala ku lw'okutaano, naye ,eswala ye (oy'okufa) yasalibwa ennaku bbiri emabega nga olw'okutaano terunatuuka. Abalekayo okusaala mulina okuba n'ekigendererwa eky'amanyi okutandika okusaala kati nga tebalinze lwakutaano.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Lwaki olwawo okukola ekintu eky'empisa.

Bw'oba olina obwagazi bwokukola ekintu, abantu bagamba nti, 'Lwaki olwawo okukola ekirungi!' naye ekikolwa ekirungi bwekiba omuguggu eri Nafs (Endowooza y'abantu) ,kilwawo okukolebwa okutuuka ku lw'okutaano, Ramaḍāni oba Ḥajja,era okulwawo kuno ky'ekiraga engeri ey'okugyawo ensonga eno.

Abantu bangi nga bano abasubiza okutandika okusaala okutandika ku lw'okutaano tebakuuma kisuubizo kino ng'ogyeko okuba nti ennaku z'olwokutano nnyingi ziyitawo.Okufanana n'ekyo, bangi kw'abo abasubiza okukuza ebirevu byabwe nga bakola Hijja basigala tebalina birevu yadde bakoze Hijja.

Abo abatya Allah era abagala Muṣṭafā (mu mitima gyabwe tebalowoza ku bintu bifanana ng'ebyo.

Bawebwa omukisa bwe benenya amangu ddala era bwebakola ebikolwa ebirungi.

## Omulumu ogutaliiko kulinda

Basilaamu banange ab'oluganda! Mugezeko okutegeraa amagezi gange nga mukozesa eky'okulabirako kuno.Omuntu bw'awa omuntu omulumu okutandika n'omwaka ogujja, n'amutesa nti awumuleko omwezi gumu ewaka we,anonya omulumu ayinza okusaba omuwadde omulumu okutandika okukola ku lunaku lwebamuwadde omulumu awatalikulinda asobole okufuna ssente ez' okusasula ebyo byakozeseza olunaku olwo.

## Eby'ekwaso ebitalimu

Basilaamu banange ab'oluganda! Omuntu bwaba yetaga omulumu teyinza kukiriza kugumira bulumi bwa kulinda mu kufuna omulumu naye singa omuntu asabibwa okusaala swala oba okukuza



ekirevu natafayo kukino ekimusabiddwa nakilwisawo okutuusa ku lw'okutaano , Ramaḍāni oba Ḥajja.Abantu abamu bagamba nti bagya kukuza ekirevu nga bamaze okulaba Madinah oba okutukiriza obuvunanyizibwa bw'okutegeka embaga z'abatabani babwe oba okusasula amabanja gabwe.

## Olugendo mu kubo ly'Allah

Sitaani mukuusa era mugezigezi alumba omuntu mu ngeri nyingi nnyo. Singa omuntu amala obudde bungu mu nḡambo ne mikwanogye mu mmawoteri ,nga balaba filimu n'emizannyo okutuusa obudde bw'ekiro mutumbi bwasaabibwa okutambula ne Sunnah-ng'azamu amanyi Madanī Qāfilāh owa Da'wat-eIslami, yekwasa ng'agamba nti abera wo mu ngeri ya mmere ya leero, alina okukola n'amanyi okubeezawo amaka ge,tewali ayinza kulabirira maka ge nga taliwo.Tewali kubusabusa nti,oyo alina ensonga erimu eggumba tagya kuganibwa naye abantu abasing basigala balesedwa okutambula ne Madanī Qāfilāh olw'okweralikirizibwa kwa sitaani.Nga sitaani bwamanyi nti omuntu bw'asobola okutambula ne Madanī Qāfilāh tagya kutandika kusala swala kyoka ,okufuna Sunnah ,okuyiga engeri ezenjawulo ez'okusaba, era n'okukola ku Madanī In'āmāt era n'okusikiriza abantu abalala okukola ebikolwa ebirungi okukola mungeri ya kinomu,n'olwekyo sitaani atekawo emiziziko gy'ona egisoboka okulemesa abantu okugenda e Madanī Qāfilāh .Sitaani akola bulikimu ekisoboka okukuuma abantu nga bakola ebintu by'ensi okutuusa okufa kwabwe baleme kukola ky'etagisa okwongera okulungiya obulamu bwabwe obwakakati ne gyebuja mu maaso oba nokuzula eddagala ly'ebibi.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okutambula olw'obugagga

Basilaamu banange ab'oluganda! Ng'obudde bufuse bwa mugaso! Abantu si betegefu kutambula ne Madanī Qāfilah okumala ennaku ntono n'abagoberezi ba nabi okuyiga Sunnah naye betegefu n'emitima gyabwe gyona okugenda mu nsi ez'ewala okufuna obugagga bw'ensi. Tebafayo kubera wala okuva ku b'enjanda zabwe okumala emyaka mingi. Basigala bayalira abakola ku by'entabula okufuna viza z'ensi ezitali za basilaamu nga Bungereeza, Amerika, Japani n'endala nyingi.

Emirundi egimu, abakola ku by'entabula babafela enkumi n'enkumi za pawundi ne babalekawo nga tebalina ayamba. Yadde nga basobode okuggwa mu nsi engwira, basanga ebizibu by'ensi bingi.

## Visa ezitwala obulamu

Katutandike na kino, viza ez'akasera zigabibwa olumu nga bikyupuli. Olutuuka mu nsi engwira ne viza ey'ekikyupuri, omuntu alina kuberawo nga mubbi nga yekweka wano na wali. Bwe bakwatibwa ,batwalibwa mu kkomera. Mu nsi ey'ebweru tebaba na muntu wa kwesiga na kugamba ku bizibu byabwe. Abantu bangi bafa enaku n'ejala. Ku luuyi olulala, abamaka gabwe bagala okumanya wa gyebali n'obukuumi bw'abagalwa babwe bebatoge rangako nabo okumala emyaka mingi. Amaka agasana okusasila galinze obugagga obungi okuva mu Japani naye tebamanyi nti alimu esuubi lyabwe erisembayo, bwe yatuuka e Japani ne sanyu, yaffira emabega w'emitayimbwa mu ngeri eyenaku.

Era n'omulambo gwe gwavunda era n'amalaalo ge negasanawo, Nga kyanaku, ky'akusasilwa n'obuteyamba omuntu ono bwabera mu!

Tewali na muntu ayinza ku mu salira Īṣāl-e-Šawāb kuba abekika kye tebamanyi nti yafa.

Īṣāl-e-Šawāb esobola okusaalirwa eri abalamu. Mujukire nti! Īṣāl-e-Šawāb esobola n'okusomebwa eri Abasilaamu abalamu. N'olwekyo, abo abalina owoluganda yenna eyabula balina okumusaalira Īṣāl-e-Šawāb asobole okufuna ekiwegyowegyo, bw'aba yaffa. Tewali kubusabusa, okutegeka okusoma Quran ku lunaku olw'okusaatu n'olwekkumi nayo ngeri ya Īṣāl-e-Šawāb naye bwelikolebwa omuntu eyabula abantu bewunya. N'olwekyo, saa Īṣāl-e-Šawāb ng'osoma Qurani, Durūd Sharif n'ebirala. Ngatewali kuba na mukolo (dduwa) gwa kujukira kufa n'ebirala. Okweyongerayo nga tokoze kirango kya Īṣāl-e-Šawāb, okugaba ebitabo by'eddini, oba okuzimba omuzikiti. Ng'olina ekigendeerwa kya Īṣāl-e-Šawāb tambula ne Madanī Qāfilaḥ era osasule ssente z'ebintu byonna ebikozesedwa Madanī Qāfilaḥ ku by'abavu ng'oyita mu musilaamu ow'oluganda ow'obuvunanyizibwa. Ebikolwa nga bino bingi bisobola okukolebwa n'ekigendererwa eky'okukola making Ī ṣāl-e-Šawāb.

### **Embera embi ey'omulambo**

Yadde ng'omuntu asobode okufuna obugagga mu myaka emitono, oluvanyuma, okufa kugyakugya. Kino kirabibwa omuntu bwafira mu nsi z'ebweru omubiri gwe bagusala era ebitindu by'omubiri ne bigibwamu okugeza omutima, ensigo, ekibumba n'ebiyenda ne bigibwamu. Eddagala ne litekebwapu era omulambo negutwalibwa mu nsi yabobwe ku nnyonyi.

Abenju y'omugenzi bawowola era nebakuba emiranga. Okuziika nekubawo era akasera wayita katono nga buli omu yerabidde omugenzi era nga batandise okudamu okubakana n'ebisikiriza

by'ensi. Kyetagisa okwerabira kubanga eby'ensi birina okugenda mu maaso.

‘Allāmah Jalāl-ud-Dīn Suyūṭī ash-Shāfi’i egamba nti Sayyidunā ‘Abdullāh ibn ‘Abbās alombojja nti: ‘Malayika wa Allah atekebwa ku ntana. Abantu bwe baziika abantu babwe ne bagenda, Malayika akasuka olubatu lw'enfufu nagamba nti, ‘genda mu nsiyo era werebire abafu bo.’ (*Sharḥ-us-Ṣudūr, P103, Dār-ul-Kutub-ul-‘Ilmiyyah Beirut*) (*Sharḥ-us-Ṣudūr, P103, Dār-ul-Kutub-ul-‘Ilmiyyah Beirut*)

### Viza egyawo imani.

Ennaku zino ensi ezimu teziwa viza mangu eri Abasilaamu. N’olwekyo, abakola kubya viza z’Abasilaamu’ bawa Abasilaamu amagezi (Allah kyeyagana) okweyanjula nga Qādiyānī oba abakirisitayo ku ffomu zabwe. Abantu abamu bagoberera amagezi gano. Mujukire nti! Akola ku by’entabula awamagezi gano afuuka mukafiri (avuma Allah) amangu ddala nga yakagawa, yadde ngamagezi tegagoberedwa .Singa anoonya viza eyo okufuna omulimu bweyeyita omukurisitaayo oba ong’omuntu omulala atali musilaamu, naye afuuka mukafiri era Murtad (eyeganye obusilaamu) Singa omufumbo akolabwatyo, era Nikāḥ (Obufumbo) busanawo. Bw’aba yali Murīd (omuyigirizwa), Bai’at ye (okwatagana y’eyomwoyo) eri Sheik we nayo egwawo. Ebikolwa bye byona ebirungi nga swala, okusiiba, okuwayo obuyambi, ‘Umrah ne Hajja bigya kwononeka. Abantu abamu bekwasa nti babadde tebalina mulimu okumala emyaka mingi, nina obuvunanyizibwa okufumbiza banyinaze, nawalirizidwa era tekyabade kigendrerwa kyange okufuka omukafiri. Singa omuntu agamba nti nja kufuka omukafiri nga wayisewo emyaka kikumi, afuukirawo omukafiri amangu ago. Wabula, singa omuntu omu atisatisa okumutta, okumusala ekitundu kyona eky’omubiri, oba okumukuba ennyo, era ng’oyo atisibwatisibwa ngakakasa nti oyo amutisatisa agenda

kukola ekyo kyatisatisa era,mukukakibwa okwomutawaana ,singa omuntu agamba oba nawandiika nti mukafiri oba navunama mumaso g'ekibumbe ngalagidwa oyo amutisatisa, taja kufuka mukafiri kasita omutima gwe guba nga gunyikidde mu Busilaamu. Naye okukakibwa ng'okwo tekisangibwa mu kusaba viza z'emirimu. Allāh yagana, singa omuntu akola ensobi ng'eno, alina okwenenya amangu ddala era naza okukiriza kwe obugya nga yenenya obukufiri era ng'sooma Kalimāh. Singa aba mufumbo nga ayagala okusigaza mukyala we, alina okukola Nikāhagain.

Bw'aba ayagala kufuuka Murīd (omuyigirizwa), alina okukola bai'at ne sheikh gwe yaali naye oba oyo sheikh atukiriza enkola ya Shari'ah.

Jjukira nti! Allah yagamba nti, singa omuntu afira mu mbera y'obukafiri, agya kubonerezebwa emirembe gyonna mu geyena.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

### Enger y'okwenenya n'okuza Yimani obugya.

Kambabulire ku ngeri y'okuza okukiriza obugya .Mujukire nti! Kyamugaso okwenenya n'okwagala kw'omutima –okwenenya mu bigambo tekugya kumala.Okugeza singa omuntu afuuka atalimukiriza ng'ava mu kwogera ebigambo by'obukafiri era omuntu namwenenyesa mu ngeri gyatategera bibi bye yenenyeza nga siyengeri y'okwenenya era omuntu oyo asigara mukafiri.Kyaba alina okukola kwekukiriza nti ebyo byeyayogede bya bukafiri era nafuna obukyayi bwabyo mu mutima gwe. Kiba kirungi bwa yogera ebigambo by'obukafiri nga yenenya. Okugeza, omuntu eyeyita omukurisitayo ku ffomu za viza alina okugamba nti : “Ya Allāh nali neyita omukurisitayo ku ffomu za viza.Sikiwagira era nenenya olw'ekikolwa eky'obukafiri.

(Tewali nsinza yonna yamuzinzi okugyako Allāh Muḥammad ye Rasūl wa Allāh .Mu ngeri eno, byombi eby'okwenenya okuva ku bukafiri obumu n'okuza obugya Imani bijja kuba bituuffu.)

Allah yagana nti, singa omuntu ayogera ebigambo by'obukafiri emirundi egyenjwulo eranga takyajjulira biki bye yayogera, alina okugamba nti “Ya Allāh!, bulibukafiri(okuvola Allah) bwe nakola sibuwagira era mbwenenya.” Era alina okusoma Kalimah-e-Ṭayyibah. Singa aba amanyi okuvunula Kwa Kalimah teyeta ga kwogera kuvunulwa okwo mu bigambo.Singa omuntu oyo tamanyi nti oba yali ayogede oba teyayogera bigambo bya bukafiri naye ng'ayagala kwenenya ng'okwerinda, alina okugamba nti: “Ya Allāh! Bwemba nali nkoze ekikolwa eky'obukafiri kyona, nkyenenya.” Awo alina okusoma Kalimah.

Amagezi ga Madani: okusoma rak'at eza Ṣalāh-tul-Taubah bbirri buli kiro nga toneebaka, omuntu alina okwenenya mu ngeri y'okwetegeka n'okuza Yimani obugya. Singa abajjulizi baba webali omwami n'omukyala balina okwenenya n'okuza obugya Nikāh mu nju yabwe.Omusajja n'omukazi omuilaamu ategera era omukulu nga muno mwemuli taata, maama, mugandawo, mwanyoko, oba omwanawo ayinza okufuuka oomujjulizi mu Nikāh.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

### Engeri y'okuza obugya Nikāh

Okuza obugya Nikāh kitegeza okukola Nikāh n'amahale amapya.Kino tekyetagisa kukunḡanya bantu. Nikāhis ly'erinya ly'okuwayo n'okukiriza mu maaso g'abajjulizi babiri abasajja oba omusajja omu n'abajulizi abakyala babiri.Okuyigiriza ku Nikāh

sikakwakulizo, kiri Mustahab.Singa omuntu okuyigiriza takutade mubwongo ayinza okukusoma obusomi “.....” ne Sūrah Fātiḥah.

Amahale agasingayo obutono ga guramuzi 30.618 eaz ffeza oba ekirala ekikigiyamu mu nimbi ezempeke, kkinno Wājib.Okugeza, ogenderera okuwayo amahare go yuro £550 (naye nofuna okukakasibwa nti omuwendo gw'obuzito bwa ffeza tegusinga £550) gamba omukyala mu maaso g'abajjulizi: “Nkoze Nikāḥ nawe mukuwanyisiganya amahale ga £550.” Omukyala alina okugamba nti: “Nzikiriza”. Nga Nikāḥ ewedde, omukyala asobola okusonyiwa bba amahale bwaba ayagade naye omusajja talina kusaba mukyala kumusonyiwa mahale nga tekyetagisa.

Madanī Pearl: Emirundi Nikāḥ gyefuuka etali ntufu; okugeza omuntu bwayogera eby'obukafiri nafuuka omukafiri, amahale gaba Wājib okukozesebwa okuza obugya Nikāḥ mu ngeri zino. Wabula amahale tegetagisa okuza obugya Nikāḥ ekolebwa olwo'kwewala emitawana. (*Mulakhkhas- az -Rad-dul-Muhtār, V5, P338-339*)

Okulabula: Omuntu eyegaana obusilaamu n'awasa nga taziza buggya Yimani ye, Nikāḥ ye teba ntufu.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Engeri y'okufuuka omukiriza owamanyi

Basilaamu banange ab'oluganda! Okusobola okufuna ebugumu ly'okuzula eddagala ly'ebibi n'okukuuma Yimani yamwe,mukifuule kyabuligyo okutambula ne Madanī Qāfilāḥs of Da'wat-e-Islāmī mu kibiina ky'abagoberezi ba nabi .Abasilaamu bona ab'oluganda balina okuba n'ekigendererwa eky'amanyi okutambula ne Madanī Qāfilāḥs okumala emyezi kumi n'ebiri egy'omudiriḥanwa mu bulamu bwabwe ennaku 30 buli mwaka,ennaku ssatu buli mwezi. Singa oyagala kufuuka omusilaamu ow'empisa n'enevisa ennungi,

gezako okutambuza obulamu ng'okola ku 72 Madanī In'āmāt. Jjuza kkadi buli lunaku ogiwe Zimmaḥdār ow'e Da'wat-e-Islāmī mu nnaku ekumi ezisooka mu mwezi gw'abasilaamu.

Waliyo Madanī In'āmāt 63 eza banyinaze abasilaamu , balina okuwayo kkadi zabwe buli mwezi. Okukifula ekyangu okukola ku Madanī In'āmāt, Maktaba-tul-Madīnaḥ yakubisa ekitabo ekiyitibwa 'Madanī Guldastah'.

Bambi mugule ekitabo kino era mukisome, nga mweyisa okusinzira ku Madanī In'āmāt egya kufuka nyangu bwe mukozesa ekitabo kino.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ



